

# ENKIITAANO y'Ebyobufuzi



Palamenti ya Uganda

# EBBAGO LY'ETTEEKA KU KULONDA AKULIRA OLUDDA OLUVAGANYA GAV'T

- Omubaka Lumu ayagala ebibiina byonna bironde
- Aba NUP basattira



Omubaka Lumu



Joel Ssenyonyi, akulira oludda oluvuganya Gavumenti.

Bya KIZITO MUSOKE

PALAMENTI ekomezzaawo etteeka eriwa obuyinza ababaka b'oludda oluvuganya okukuba akalulu ku alina okubakulira nga talondebwa kibiina ekisinza ababaka nga bwe kibadde. Olukangaga olulaga ebirina okuteesebwako enkya ku Lwokuna mu Palamenti lwafulumye nga lulaga nti ennongoosereza mu bbago ly'etteeka lya *Administration of Parliament Act 2024* ery'omubaka Richard Lumu Kizito (Mityana South), bwe ligenda okukubaganyizibwako ebirowoozo era liyisibwe.

Ekikulu mu tteeka, Lumu ayagala akulira oludda oluvuganya (Leader of Opposition) akubweko akalulu ababaka bonna okuva mu bibiina ebivuganya. Lumu owa DP agamba ayagala kukyusa etteeka naddala ennyingo y'omunaana eya Administration of Parliament Act, Cap. 272 ewa obuyinza ekibiina ekisinza ababaka ku bivuganya okulonda abakulira nga tebeebuuzizza ku bibiina birala.

Etteeka ly'aleese ligenda kuwa ebibiina byonna omukisa okwetaba mu kulonda obutereevu. Ekibiina kya NUP ekisinza ababaka kigenda kuweebwa omukisa okuweereza amannya g'abantu basatu, ababaka kwe bajja okulonda omu abakulira. Bwe kinaatuukanga mu kulonda baminisita b'oludda oluvuganya n'abakulira obukiiko, ebibiina byonna bijja kwebuuzibwangako.



# Abakulembeze b'ebibiina basattira lwa tteeka erikkiriza ababaka okulonda akulira oludda oluvuganya

BIVUDDE KU P9

Etteeka, ayagala lyongerwemu obuwaayiro mwe basobola okuggyiramu obwesigwe akulira oludda oluvuganya bw'aba takyatuukiriza buvunaanyizibwa bwe, okweyisa obubi n'ebirala. Etteeka lino lyasooka okuleetebwa mu Palamenti mu lutuula olwatuula e Gulu nga August 29, 2024 era Lumu gye baamuweera olukusa okuleeta etteeka.

Etteeka oluvannyuma lyasindikibwa mu kakiiko ka Palamenti akakola ku by'amateeka gye baakung'anyiza ebirowoozo okuva mu bantu ab'enjawulo. Ebibiina kumpi byonna okuli; NUP, DP, UPC, FDC, ANT ne NRM byawakanya etteeka lya Lumu nga bagamba teririimu kalungi okuggyako okwagala okuleeta akavuyo kuba akulira oludda oluvuganya abantu babeera baamusalawo dda mu kulonda kwa bonna.

Enkya, etteeka ligenda kukomezebwawo mu Palamenti lisomebwe omulundi ogwokubiri era ababaka balikubeko akalulu. Oluvannyuma lijja kukisindikibwa mu kakiiko k'ababaka bonna (Committee of the whole house) akakubirizibwa Sipiika yennyini olwo beekenneenye buli nnyingo ssekinoomu. Bajja kuddayo mu Palamenti eya wamu lisomebwe omulundi ogwokusatu era balikubeko akalulu.


Ababaka bwe banaaba beekenenya buli nnyingo ssekinoomu mu kakiiko k'ababaka bonna (Committee of the whole house) akakubirizibwa Sipiika yennyini, babeera ba ddembe okukolamu enongoosereza endala mu tteeka.

Okugeza bayinza okusalawo nti buli kibiina ekiri ku ludda oluvuganya kirina omukisa oguleeta akulira oluvuganya singa ababaka bamulonda nga y'asinzidde obululu obungi. Kino kitegeeza ayinza okuba owa DP oba UPC.

Abasinga bwe banaaliyisa enkya lijja kuba lifuuse ebbago nga balindirira kimu Pulezidenti okuteekako omukono okufuuka etteeka.

### ABABAKA BOOLUDDA OLUVUGANYA

Palamenti y'e 12 esuubirwa okulayira okuva nga May 12-15, 2026 egenda kusingamu babaka ba NRM abasukka 360, **NUP** (49), **DP** (6), **UPC** (12), **FDC** (9), **PFF** (2) ne **ANT** (1).


Rubongoya

### BOOGEDDE KU TTEEKA LYA LUMU

• **Ssaabawandiisi wa NUP, Lewis Rubongoya** yagambye nti; Gavumenti yali erowooza nti buli akulira oludda oluvuganya Gavumenti basobola okumukozesa n'okumusirisa. Bwe baalabye ng'aliwo tasobola ne balowooza ku ky'okukyusa etteeka ababaka batandike okwerondera abakulira. Yagambye nti kino si beetegefu kukikkiriza era bajja kukirwanyisa okulaba nga tekiteekebwa mu nkola kuba enfuga y'ebibiina bagitegeera bulungi.

• **Wafula Ogutu** yagambye nti kyewuunyisa okuba nga waliwo omubaka wa DP era avuddeyo okuleeta ekiteeso kye kimu ekitalina kye kigasa. Yagambye nti akulira oludda oluvuganya yennyini y'abeera omukulembeze w'ekibiina ekiddirira ekisinza ababaka abangi.

• **Solomon Silwany (Bukooli)** yagambye nti ababaka b'oludda oluvuganya bawulira nga tebafuna buweereza bulungi okuva ewakulira oludda oluvuganya olw'okuba tebaamulonda.


• **Ssaabawandiisi wa UPC, Fred Ebil** yagambye nti etteeka lya Lumu ligenderera kwongera kwawula mu bavuganya kuba abanaawangulwa bajja kufundikira baddukidde mu mbuga z'amateeka. Yagambye nti etteeka lyaleeteddwa mu mutima mubi. Ekibiina ekisinza ababaka kibe n'omukisa gw'okwerondera akulira oludda oluvuganya kuba ne Bannayuganda be baabawa obuyinza.

• Omu ku bakulembeze ba NUP ataayagadde kumwogera mannya yagambye nti alina okutya nti etteeka lino basobola n'okulikolamu ennongoosereza akulira oludda oluvuganya n'abeera nga tava mu kibiina kisinza ababaka wabula omubaka yenna owa opozisoni.


Betty Ocan

• **Betty Aol Ocan (mukazi/Gulu City)**, eyakulirako oludda oluvuganya Gavumenti yawakanyizza etteeka kya Lumu n'agamba nti eggwanga litambulira ku nfuga ya bibiina ebingi era tewali bwetaavu bwa kukyusa tteeka.


Ababaka mu lutuula lwa Palamenti.


Amuriat

• **Pulezidenti wa FDC, Patrick Amuriat:** Okulonda akulira oludda oluvuganya kigenda kuleeta akavuyo n'okukendeeza amannya g'ekibiina ku babaka. Kyangu nnyo n'okulonda omuntu atava mu kibiina ekisinga ababaka abangi.

## Abazze bakulira oludda oluvuganya Gav't


| | |
|---|---|
| 1 | Milton Obote (April 1961-April 1962)-UPC |
| 2 | Basil Kiiza Bataringaya (1962-1964)-DP |
| 3 | Alex Latim (1964-1971)-DP |
| 4 | Dr. Paul Kawanga Ssemogerere (December 1980-July 1986)-DP |
| 5 | Prof. Morris Ogenga Latigo (2006-2010)-FDC |
| 6 | Nathan Nandala Mafabi (2011-2013)-FDC |
| 7 | Philip Wafula Ogutu (2013-2015)-FDC |
| 8 | Winifred Kiiza (2015-2018)-FDC |
| 9 | Betty Aol Ochan (2018-2021)-FDC |
| 10 | Mathias Mpuuga (2021-2023)-NUP |
| 11 | Joel Ssenyonyi (2023 n'okutuusa leero)-NUP |

## Kiiza Besigye yayogera ku tteeka

**Dr. Kiiza Besigye** bwe yali tannakwatibwa, yayogera ku tteeka lya Lumu n'agamba nti mu nkola y'ebibiina ebingi, ekibiina ekisinza ababaka kye kikola Gavumenti ate ekibiina ekisinza ababaka ku bivuganya ne kikola Gavumenti y'ekisiikirize.

Gavumenti y'oludda oluvuganya erina kulondebwa kibiina kimu si bibiina byonna ebivuganya lwa nsonga nti bavunaanyizibwa okuwa ebirowoozo ku nkola entuufu eri Gavumenti eri mu buyinza. Kino kibeera kizibu singa ebibiina byonna ebivuganya bibeera byetabyemu kuba bibeera n'endowooza ez'enjawulo.

"Ng'akulira enzirukanya y'emirimu mu Gavumenti bw'alondebwa Pulezidenti, bw'atyo n'akulira oludda oluvuganya alina kulondebwa Pulezidenti ow'ekisiikirize. Ne bwe kiba nga kyetaagisizza okulonda, kirina kukolebwa babaka bokka abava mu kibiina ekisinza ababaka" Besigye bwe yategeeza.


Besigye

Besigye yagattako nti Medard Lubega Sseggona (Busiro East) yaleetako ekiteeso kye kimu mu Palamenti nga tayagala FDC eronde akulira oludda oluvuganya. Kyokka ekibiina kye ekya NUP bwe kyatuuka nga kye kisinza ababaka abangi n'abivaako.







Ssenyonyi, akulira oludda oluvuganya kati



## ...kye bagamba

...lsa Mutoto: Ebibiina ebi-...vuganya, balina okwe-...gatta kuba tubasuubira ...okuba nga bassa kimu. Batuule beerondemu aba-kulembeze baabwe.



...ziwa: Ekibiina ...da oluvu-...kye kisinga ...angi kye ...a kuba bwe ...banga lyonna ...nbe gya FDC.

Abubaker Onyaiti: Ebibii-na byonna ebiri ku ludda oluvuganya by'erondemu abakulembera awo kijja kuwa omwagAanya ebiro-woozo by'ebibiina ebirala nabyo okukiikirirwa.



...a: Engeri gye ...ira ludda olu-...onna abali ku ...uganya bamu-...ba kya bwenk-...a kimu kusali-...a birala.

Diana Ssuubi: Enkola ba-girekenga bw'eri kuba ne bwe banadda mu kulonda, ekibiina ekirina ababaka abangi kye kijja okuyisaa-mu omuntu. Eby'okulonda bamala budde.

### ...yogera ku bbago lya Lumu

...musomesa w'amateeka ku ...mateeka erya LDC yagambye ...kumalawo amakulu g'ebibiina ... byobufuzi. Yawabudde ebibii-...sa amaanyi mu kunoonya ...antu basobole okubagula. ...ulira oludda oluvuganya ...nbeera y'okusika omuguwa ...a okuweereza obulungi.